# Ebyobulamu bitumbuddwa okutuuka ku muntu asembayo

**Bya JACKSON SEWANYANA**

PULEŽIDENTI Yoweri Museveni yalayidde okuddamu okukulembera Uganda ku Lwokubiri lwa wiiki eno oluvannyuma lwa Bannayuganda okumuyiira obululu obumuzza mu ntebe. Mu bimu ku bintu Gavumenti by'ekoze kwe kulaba nga Bannayuganda batuukibwako obujjanjabi mu bitundu ebitali bimu okwetooloola eggwanga, ekitadde akamwenyumwenyu ku matama g'abantu.


Justine Namukasa,33, ow'e Nansana, y'omu ku bakyala abeenyumiririza mu buweereza bw'ebyobujjanjabi Gavumenti bw'ewa naddala eri abakyala abazito. Agamba nti: Embuto ze nfunye zonna eddagala mbadde ndinywera mu ddwaaliro lya gavumenti ery'e Kawaala, ate nga n'omwana wange owookusatu gye nnamuzaalira ne bankolako bulungi.

Bampa abasawo basatu nga ng'enze okuzaala ne bampa ne 'Mama Kit' ku bwereere ng'erimu ekiveera, ppamba, sabbuuni, ebizigo n'ebintu ebirala byonna ebyetaagisa ng'omukyala azaala", Namukasa bw'agamba.

Ngy'oggyeeko ebyo, Namukasa agamba nti, mu 2018 yatwalako mutabani we mu ddwaaliro lya Gavumenti ery'omu Kisenyi mu Kampala ne bamujjanjaba ekifuba eky'amaanyi ekyali kimulemeddeko n'atereera. Ate ku olwo, naye ng'omuzadde baamuweerako n'omusomo ku nkola za ffamire emutuukirako okwewala embuto z'ateeyagalidde.



Abakyala nga bagaba omusaayi.



Emmanuel Ainebyooma

### AMAANYI GONGEDDWA MU KUGEMA

Omwogezi wa minisitule y'ebyobulamu Emmanuel Ainebyoona agamba nti, okuva Gavumenti ya NRM lwe yajja mu buyinza basoosowazza enkola ez'okuziyiza endwadde omuli n'okwongera embavu mu by'okugema. Ennaku zino endwadde ezigemebwa zeeyongerako okuva ku nnamutta omukaaga ezaasookerwako okudda ku 14, nga ku zino kuliko n'omusujja gw'ensiri mu baana.

Olw'akaweefube Gavumenti gw'etadde mu kugema, mu 2006 ekitongole ky'ebyobulamu mu nsi yonna kyalangirira Uganda mu lubu lw'amawanga agatakyalimu bulwadde bwa poliyo.

### TEKINOLOGIYA AKOZESEBWA MU BUJJANJABI OBW'EKIKUGU YEEYONGEDDE

Bwe gutuuse mu bujjanjabi, tekinologiya n'obukugu obukozesebwa nabyo byeyongedde ku mulembe gwa Museveni. Kati eddwaaliro ekkulu ery'e Mulago lirina obusobozi obukyusa abalwadde ebitundu by'omunda nga ensigo n'ebirala nga tebasoose kugenda bweru wa ggwanga.

Waliwo n'ekifo ky'abalwadde ba kookolo ekya Uganda Cancer Institute, nga buli mwaka kikola ku balwadde abapya 8,000 ababa beetaaga okufiibwako mu ngeri ey'enjawulo era ey'ekikugu.

Waliwo ebitanda 285 eby'omulembe ebissibwa mu busenge omujjanjabirwa abalwadde abayi mu malwaliro g'ebitundu amakulu okwetooloola eggwanga.

Olw'akaweefube assiddwa mu byobulamu, n'emyaka Bannayuganda kwe bafiira gyeyongeddeko okuva ku myaka 64 okutuuka ku myaka 68.

### OMUSAAYI OGUSSIBWA KU BALWADDE GWEYONGEDDE

Ekitongole kya Gavumenti ekivunaanyizibwa ku by'omusaayi ekya Uganda Blood Transfusion Services (UBTS), kigaziyizza empeereza zaakyo, nga kati abalwadde mu bitundu ebitali bimu okwetooloola eggwanga basoboola okufuna omusaayi gwe babeera beetaaga okutaasa obulamu bwabwe.

Obuweereza bwa ambyulensi bulinnye okutuuka ku bitundu 64 ku 100 nga buno butumbudde empeereza ey'obujjanjabi obutalinda.